BITM NO. 2

OKUKUNGAANYA EBY'OKUKOZESA

LWAKI TUKOZESA ATAKABO KANO?

Ekigendererwa kyakatabo Kano kwekunyonyola ebikozesebwa nengeri gyosobola okubikunganyamu okusobola okutandika n'okuddukanyamu omulimu gwoba ogenda okutandika.

OKUKUNGANYA EBIKOZESEBWA KYE KI?

Kino kyesigamizibwa ku mitendera gy'oyitamu okusobola okufuna byewetaaga okusobola okutandika oba okulongoosa omulimu. Ebyetaago bino bizingiramu ensimbi, abakozi, ebizimbe n'ebirala, byetuyita ebikozesebwa okusobola okubikunganya omuntu atekeddwa okuba nga yafuna dda ekirowoozo kyomulimu gwayagala ate nga agumanyi bulungi.

ENNONDA Y'OMULIMU KYEKI?

Gino gemitendera ejiyitibwamu okulonda omulimu ogufuna nga okozesa ebikozesebwa ebiriwo amangu. Gano gegamu ku makubo g'osobola okuyitamu;

- Okubeera ne kirowoozo kyomulimu oba okukifuna nogulonda.
- Okukozesa ebintu ebibyo nga engoye enkadde, engatto, ekyalani, ekyeka ne birala.
- Okuyita mu bukugu, bitone nga okuzina, okuyimba, okufumba, n'ebirala.
- Okutunula mubyetaago byekitundu mwosubira okukolera. Nga amazzi okugasomba, okugafumba nogasabika nga gakunywa.
- Okumalawo ebizibu byabantu nga okubayolera kasasiro, mubutale ne mu maka, kabuyonjo ezitambuzibwa mu bifo ebyomujjuzo nga Taxi Paaka.

EBIKOZESEBWA EBIKULU EBYETAAGISA OKUTANDIKA OMULIMU

Ensimbi ezitandika: Zino ze ssente zewetaaga nga tonnaba kutandika oba okulongoosa omulimu mwobadde. Zino kisoboka okuzifuna okuva mubemikwano (entone) abenganda oba mu kweterekera no kwewola

Abakozi: Bano basobola okuba abomunju oba abapangise kwekugamba okukozesa abawaka oba abo abanasasulwa.

Ebyuma: Bino byebyuma ebikozesebwa olwokwanguya nokuddukanya emirimu egyenjawulo nga minzaani mu dduuka, ebikamirwamu obulobo abalunzi bente no'obugali ebyobusubuzi.

Ettaka/Ebizimbe:
Kino kyekifo awakolerwa emirimu. Kisobola okuba ettaka awali akadaala oba ekizimbe mwonokolera (awali edduuka). Bino byebyo kulabirako ebikwetoolodde by'osobola okweyambisa:

ENTUNGO: Muzino kisoboka okujjamu Butto, emmere yebisolo nebijjimusa ettaka.

EBINYEBWA: Muno muvaamu butto, omuzigo gwemigaati nenva.

EMITI: Muno tufunamu embawo ezo tukolamu ebibajje oba amanda.

ENVA: Zino zinogwa nebazirongoosa era nezipakirwa mu mikebe nga zikyali mbisi netuzisubuza emitala wamayanja n'ebitundu ebirala ebyensi. Ebyokulabirako z'emboga, ebijanjalo ebifaransa ne kaloti.

EBIBALA: Emiyembe, emapaapali, emicungwa, ennaanansi, nebirala bikola omubisi ogw'okutunda. Ebibala byenyini bisobola okutundibwa nga bwebyatondebwa oba okulondamu ebinagenda awali akatale a kanene oba okusuubuzibwa ebweru. Ebisigaddewo bisobola okukola emmere yebisolo n'ebigimusa ettaka.

AMATA: Amata bagakolamu bbongo, omuzigo omuganda, ogusigibwa kumigaati ate gayinza okutundirwamu neganywebwa; NB N'olwekyo tunuulira ebikozesebwabyo n'emikisa egikwetoolodde nga tonaba kugenda kwewola. Okutandika oba okulongoosa mirimu gyo, kubanga ebbanja olirya nga otekako amagoba. Okwewola kwoka sikwe kujja oukutaasa. Sikwekwoka okumalawo ebizibu.

OBUTALE/OKUKUNGANYA ENSIMBI
Ebikozesebwa byolina mumulimu biyinza obutamala okutuukiriza ekyo kyo'tegeka. Ebimu ku kyosobola okukola kwekufuna engeri gyonofunamu ensimbi

endala oba okwewola. Okunonya ensimbi mutendera gwakukungaanyamu ensimbi ez'omulimu oba ekitongole. Amakubo agamu agokunonya ensimbi mulimu okukuba enkiiko zekyalo, okuwandikira abagabi bo buyambi n'okukola obutale oba emikwano nebalilwana bo okukuyamba.

ANI AKUNGANYA ENSIMBI ZINO?

Akulira omulimu yeyetaaga okutwaala obuvunanyizibwa bwokukungaanya ensimbi zino. Naye omulimu (business) munene kyetaagayo akakiiko akalonde akanasooloozanga ensimbi zino oba omusolooza nga omulimugwe gwakukola ntekateeka nokussa munkola ebyo byosololezako ensimbi.

TUSOBOLA TUTYA OKUTUUKIRIZA OBULUNGI OMULIMU GWOKUSOLOOZA OKUNOONYA ENSIMBI

Abagabi b'obuyambi betaaga kuddukirira emirimu egiddukanyizibwa obulungi. Kino kitera kulabikira mu nkuuma yebitabo ennungi, engeri gy'oyawula ebikwata ku mulimu ku bibyo nga omuntu ate n'obuvunayizibwa nengeri ennungi gyokwatsmu abakozinendabirira ennungi eyebikozesebwa. Bino bireeta okumatira eri oyo anakuddukirira era amanya nti nsimbi ojja kuzikozesa bulungi.

Kola okunoonyereza osobole okufuna obukugu mu kukola omulimu gw'okunoonya ensimbi ezinakuyamba.